# Heedimasita eyagobeddwa Bp. Banja Gavt. emuwadde essomero eddala

ya PETER SSAAVA

IEEDIMASITA eyagobeddwa )mulabirizi w'e Namirembe, Moes Banja ng'amulanga okusaka buyambi mu balokole, Gavuenti emuwadde essomero eddala itali lya kkanisa okulikulembera.

Akulira ebyenjigiriza mu disiulikiti y'e Wakiso, Prim Ritah Nanınzi yategeezezza nti, Lugoloobi usindikiddwa ku ssomero lya atiiti Baptist mu ggombolola y'e akiri e Wakiso okulikulembera.

Amos Lugoloobi abadde heediasita w'essomero lya Kabale C/U S e Masuliita mu disitulikiti y'e akiso, ye yagobeddwa Banja olunnyuma lw'okusaba obuyambi uva mu *"Jesus Christ of Latteray Saints"* okusobola okuzimba izimbe ku ssomero. Lugoloobi ;ambibwa nti, yagenda ku iitulikiti okusaba obuyambi bw'ebizimbe oluvannyuma lw'enkuba eyalimu kibuyaga okusuula ebizimbe by'essomero kyokka disitulikiti nga terina ssente mu kiseera ekyo.

Ono nti, yagenda n'e Namirembe n'abawa okusaba kwe ng'ayagala Obulabirizi bumuzimbire ebizimbe kyokka n'atafuna kuddibwamu kutuufu era ye ng'omuntu, n'asalawo okunoonya abayambi abasobola okumudduukirira.

Lugoloobi nti, yafuna aba *"Jesus Christ of Latter-Day Saints"* abaamuwa obweyamo bwa kuzimba ebizimbe 4 ku ssomero era ne bakikola nga kati babadde baddako kuzimbira basomesa nnyumba mwe basula n'ennyumba ya heedimasita.

Kyokka abazadde abamu beemulugunyizza nga bagamba nti, ekikolwa Banja kye yakoze si kya butuukirivu kuba nti baasaba okubazimbira ebizimbe kyokka ne batabayamba. Baagambye nti, ekya Lugoloobi okufuna obuyambi ate ne bamusasulamu kumugoba, kyabennyamizza.



Abazadde nga bazze ku ssomero lya Kabale C/U oluvannyuma lw'okufuna amawulire g'okugobwa kwa Lugoloobi. Mu katono ye Nanyanzi atwala ebyenjigiriza mu Wakiso.

## 'TEMUGEZA NE MUMENYA EBIZIMBE'

Abatwala ebyenjigiriza mu disitulikiti y'e Wakiso bakalambidde ku kumenya ebizimbe ebyazimbiddwa. Nanyanzi yalabudde Namirembe obutagezaako kumenya bizimbe bya ssomero kuba, nga Gavumenti ebizimbe ebyetaaga ate byazimbiddwa ku mutindo gwa waggulu ekigenda okuyamba abayizi okusoma awatali kusumbuyibwa.

Yagambye nti, Namirembe bwe yasabye okuggyawo Lugoloobi mu ssomero, baagigondedde ne bakikola. N'agattako nti, heedimasita obukozi bw'ayolesezza ku ssomero lino agenda kubukozesa ku ssomero eddala gye baamutumye.

Ensonda e Namirembe zaategeezezza nti, akakiiko k'abazadde n'abasomesa kaayitiddwa e Namirembe ku Lwokusatu ne kabuuzibwa ku ndagaano ezaatuukibwako mu kuzimba. Baategeezezza nti, waliwo Abaawule abaatuulanga mu nkiiko ezaasalawo era ne ofiisi y'ebyenjigiriza e Namirembe yabitegeerako.